

KING'S COLLEGE – BUDDO
UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION
INTERNAL MOCK EXAMINATIONS 2020
LUGANDA PAPER ONE
P360/1
Essaawa: Bbiri n'ekitundu.

Ebigobererwa.

- Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu A, B ne C.
- Ekitundu A kyonna kyabuwaze.
- Ekitundu B ne C kola nga bwolagiddwa.

EKITUNDU A

1(a) Ddamu owandiike sentensi zino ng'ozitadde mu bungi.

- i) Omwana atutte ekitabo kyange.
- ii) Ente eridde ekitooke.
- iii) Nze naleese amata.
- iv) Eddagala lye liwonya.
- v) Omujaasi mumuwe emmundu ye.

(obubonero 5)

b) Jjuza amabanga agalekeddwa mu lukangaga luno wammanga.

Ekikolwa	Ekikolwa mu kwekolako	Akawakatirwa akalazi	Kanaaluzaala	Ekiseera ekyayita
Ntema	_____	_____	_____	_____
Tulaba	_____	_____	_____	_____

(obubonero 12)

c) Menya amateeka agamenyeddwa.

- i) Nalule tamanyi kuyimba.
- ii) Omulwadde bamututte mu ddwaaliro.

iii) Musoke bamukutte ne nakimwero nga beerigomaba. **(obubonero 6)**

d) Kola nga bw'olagiddwa mu bukomera.

- i) Mulirwana mulwadde. (gifuule egaana)
- ii) Sukaali awooma. (Teeka mu kawakatirwa akaddinjana)

- iii) Yalwala nnyo simanyi oba yafa. (Kozesa sinakindi)
- iv) Namusonyiwa nga yeetonze.(Giwandiike mu kiseera ekirijja)
- v) Nakate akubye munne. (Giteeke mu kyesirikidde)

(obubonero 5)

- e) Erinnya Musoke ne Lubyamira bigwa mu lubu lumu lwaki?

(obubonero 2)

EKITUNDU B

Kola 2(a) oba 2(b)

- 2a) Nnyonnyola engeri obuwangwa bw'Abaganda gye bwafeebyanga Abakazi. **(obubonero 20)**

Oba

- 2(b) Nnyonnyola ku bino mu bumpimpi

- i) Okuziraga ii) Okuzza omuzigo iii) Okuvuma
- iv) Okutambuza olumbe v) Okukomaga vi) Omugole

- 3(a) Londa ebisoko bina ku bikuwereddwa onyonnyole amakulu gaabyo agoomunda.

- i) Okusamba ennanda.
- ii) Okulumu mu kibatu.
- iii) Okumenya mu jjenje ekkalu.
- iv) Okukoowoola abombye.

(obubonero 8)

- 3(b) Londako ebisoko bisatu obikozese mu ssentensi eziggyayo amakulu gaabyo agoomunda.

- i) Okutema ku lwe Namuganga.
- ii) Okweyimbamu ogwa kabugu.
- iii) Okukuba ku matu.
- iv) Okuyiwamu omutega nsowera.

- 4(a) Maliriza engero ezikuweereddwa wammanga nga bwe zoogerebwa.

- i) Abangi bwe bakwebaza
- ii) Anaakuggya ennimi
- iii) Nnyama ntono

4(b) Wa amakulu goomunda agali mu ngero zino wammanga;

- i) Zimba nnene tagikubeera.
- ii) Akuwaliriza okulinnya bwogwa akuyita kadduwa nnema.
- iii) Kwata noowaayo nga yasikira musikire.
- iv) Omweyogereze takusuza kayanzi ko.
- v) Eyeesitukidde tanywa matabangufu.

(obubonero 10)

EKITUNDU C

Londako ennamba emu mu kitundu kino.

Kola (5a) oba (5b)

5(a) Nnyonnyola ebbanja **Matovu Joy** lyawola Abaganda ng'ayita mu buweereza bwe. **(obubonero 20)**

Oba.

5(b) Nnyonnyola oby'obuwangwa **Matovu Joy** bwasoosowaza mu bitabo ebyenjawulo. **(obubonero 20)**

Kola 6(a) and 6(b)

6(a) Busuulwa ng'ayita mu by'awandiika akulaakkulanyizza atya eby'enjigiriza by'ensi ye. **(obubonero 20)**

Oba

6(b) Nnyonnyola eby'obuwangwa by'Abaganda obulabikira mu kitabo Byonna bya mbyoone omuvubuka wa leero bye yandyegombye ne bimuyamba okukuza Buganda. **(obubonero 20)**

Kola 7(a) and 7(b)

7(a) Kaswa yeeyolese atya nga mwoyo gwa ggwanga ng'ayita mu butabo bwe?

Oba

7(b) “Omuntu asana kwebazibwa nga yadde yafa” enjogera eno etuukira etya ku Kaswa?

BIKOMYE